Kiki kyetutekeddwa okukola?

“Yesu yagenda mu Galilaaya, nga alangirira amawulire Amalungi agakatonda. Nagamba ‘ekiseera kituuse Obwakabaka bwa Katonda busembedde, mwenenye era mukirize amawulire amalungi!’” (Mako 1:14-15).

Mukama wafe Yesu kurisito atuyita twenenye. Era “Okwenenya” kitegeeza “okukyusa endowooza zaffe” kitegeeza nti tulekelre awo okukiriza mu bakatonda abakyamu, wabura wabula tukiririze nti Katonda yekitaffe owomuggulu, eyasindika omwana we Yesu atulage engeri gyeyatwagalamu.

“Okwenenya” kitegeeza “okukyusa obulamu bwaffe.” Kitegeeza okurekera awo okubeera mukizikiza ekye kibi tutandike okubeera mukitangaala ekyo kwagala kwa kitaffe no kusonyiwa.

“Okwenenenya” kitegeeza okugoberera ekubo lyokwagala kwa Yesu:

(Yesu yagamba) “Yagala mukama Katonda wo nomutima gwo gwonna, ne meeme yo Yonna, ne ndowooza yo yonna. Lino lye teeka elisooka era erisinga, Nelidirira lye linno: Yagala mulilanywa wo nga bwe weyagala weka. Amateeka gonna, neba nabbi, bekwatta kumateeka gano abiri“ (Matayo 22:37-40).

Okutandika okugoberera ekubo lya Yesu, Saba esala eno:

Webale Kitange owomuggulu olwokunjagala. Webale okunfuula omwana wo.

Webale Kitange olwokusindika omwana wo Yesu okuba omulokozi wange, nokujjawo ebibi byange byona. Webale olwokwagala nokusonyiwa byompadde Mu Yesu.

Webale ayi Katonda olwokuwereza Omwoyo Omutukuvu okubeera mumutima gwange. Gyangu Omwoyo Mutukuvu. Nungamya mumazima gonna. Ngigiriza okwagala Katonda nebalirwana bange. Mpa amanyi ngoberere ekubo lya katonda.

Mulinya lya Yesu mwensabide. Amina.

Kikuwereereddwa :

Omubulizi we njiiri Geofrey Muyanja
Stand in The Truth International Ministries
P o box 24758
Kampala-Uganda
Esimu: +256752624898,oba,+256783492661

Awamu ne,

AsiAfrica Ministries, Inc.
Website: www.AsiAfricaMinistries.org
Email: office@AsiAfricaMinistries.org

AMAWULIRE AMALUNGI

AGA BULI OMU!

“Nga Birungi ku nsozi ebigere byayo aleeta Ebigambo ebirungi, alanga emirembe, aleta ebigambo ebilungi, nalanga obulokozi….” (Isaaya 52:7)

AMAWULIRE AMALUNGI AGA BULI OMU!

Yesu yakka okuva muggulu, atulage engeri katonda gye yatwagalamu!

“Bwatyo Katonda bwe yayagala enyo ensi, nokuwaayo nawaayo Omwana we omu yekka, nti buli amukiriza wabula aleme okuzikirira Wabula abeele nobulamu obutagwaawo” (Yokaana 3:16).

KATONDA KWAGALA

Yesu yekka yasobola okutusomesa ku kwagala okwagala Kwa Katonda, kubanga Yesu yeka yamanyi Taata (Matayo 11:27). Tewali nabbi oba musomesa amanyi Katonda nga Yesu, kubanga Yesu yekka yemwana wakatonda.

Yesu atuyigiliza nti Katonda yetaata atwagala era ffe tuli banabe abagalwa.

“Laba okwagala okunene kitafe kwe yatuwa, tulyoke tuyitibwenga Abaana ba Katonda! era ekyo kyetuli!” (1 Yokaana 3:1).

Ngensi tenabawo, kitaffe owomugulu yatulonda okuba abaana abagalwa. Nga tanatonda nsi, Katonda yatulonda “natufuula” abekika kye!

“Yebazibwe Katonda kitaawe wamukama waffe Yesu krisito, eyatuwa buli mukisa Gwonna ogwomwoyo mubifo ebyomuggulu mu krisito, nga bweyatwelondera edda Mu yo ngensi tennaba kutondebwa ffe okube abatukuvu abatalina kabi mumaaso ge mukwagala, bwe yatwawula edda okufuuka abaana kubwa Yesu Kristo, nga bwe yasiima olwokwagala kwe. Ekitiibwa kye ekisa kyekilyoke kitenderezebwenga kyeyatuwa obuwa mu oyo omwagalwa” (Befeso 1:3-6).

Katonda yasindika omwanawe yesu abeere mu ffe, nga omuntu wabulijjo (Yokaana 1:14; Bafilipi 2:5-8). Yesu yabeera mu bulamu obutukilidde, mukwagala, okukiliza nobugonvu obuukilidde era yabikolela buli omu, bona basobole okununulibwa okuva mukibi nokuffa.

Wade fena tulibononyi (Balumi 3:23), katonda yayolesa okwagala kwe okunene Gyetuli nga tumma omwana we atufilire kumusalaba ku lwebibi byafe (Abarumi 5:8).

Bwe yazukila mubafu, Yesu nadaayo eri Kitawe mu Ggulu. Gyatutekera tekera ebifo, olwo no tuberere emirembe, nemirembe munyumba Yakitafe omwagalwa.

(Yesu yagamba) “Munyumba yakitange mulimu ebifo bingi; singa tekibade bwekityo, nandi bagambye. Ngenda kubatekera tekera abifo” (Yokana 14:2).

TAATA

OMWANA **OMWOYO OMUTUKUVU**

Katonda ye Titafe omwagalwa, yatuma omwana we Yesu okubera Mukama wafe era omulokozi wafe (Yokana 3:16). Taata no Mwana Nebatuwereza Omwoyo Omutukuvu ateke okwagala kwa Katonda Mumitima gyafe, era atulungamye mu mazima (Barumi 5:5; Yokana 16:13).